# Taata gwe mutwe omukuklu mu kukuuma emirembe awaka

PETER Safari, omutuuze w'e Kitintale, agamba nti :

- Emirembe mu maka gitandikira ku taata kubanga gwe mutwe gw'ennyumba. Taata kikulu okukuumira awamu ffamire kubanga ye y'entabiro ya buli kimu awaka.
- Okuwa abaana obudde : Newankubadde ebiseera ebisinga taata abeera ku mirimu, kimukakatako okufissaawo akadde n'agoberera ebigenda mu maaso mu maka ge n'okumanya abaana be kye baliko. Kino kimuyambako okugonjoola ebyo byonna ebiyinza okumalawo emirembe awaka.
- Okuwuliziganya n'abawaka bonna : Kino taata alina okukissaako essira kubanga kimuyambako okumanya awali obuzibu mu maka era ne bukolebwako nga kino kikuumira eddembe awaka.
- Okunoonya ssente : Omwami yatondebwa ng'alina okulabirira ab'awaka era nga kino kitegeeza nti, alina okunoonya ssente mu ngeri yonna atuukirize obuvunaanyizibwa, wabulekewo ekivaako obuzibu obumalawo emirembe awaka.


Peter Safari

## Abaana n'okuleeta emirembe mu maka

Safari agamba nti, n'omwana alina obuvunaanyizibwa bw'alina okutuukiriza mu kuleeta n'okukuuma emirembe awaka, agamba nti :

- Ekisinga obukulu ku mwana kubeera kuwuliriza na kugondera bakadde be bye babeera bamugamba. Omwana buli lwe yewaggula kibeera kikyamu kubanga kisobola okuvaako okutabula abazadde nga n'ekivaamu kubeera kumalawo mirembe mu maka.
- Okwetuma ebirina okukolebwa awaka okugakuuma nga mayonjo, era ng'emirimu gikolebwa mu budde nga bye kisaanidde, ate n'okussaawwo okwagala wakati w'abali awaka bonna awatali kusosola.
- Okwewala embeera ey'okweyagaliza kubanga buli omuntu lwe kibaawo ate omuntu asobola okunyigiriza abalala ekiyinza okutabulatabula emirembe awaka.